**24th April 2016.**

# EBY'OKWETEGEREZA MU KULOKOLEBWA MUKAMA MU MATABA.

## Lubereberye 7.

Nga bwe nnali nsuubizza omulundi ogwaggwa nga tusomesebwa mu ssuula eno ey’omusanvu, lwe twaalaba “AMATABA OMWAALI EKISA N'EKIRUYI BYA MUKAMA EBIYITIRIVU.” Neebaza Mukama atusobozesezza leero okuba nti tunaabaako bye tweetegereza mu kulokolebwa Mukama mu mbeera nga Nuuwa n’abe’enju ye mwe baali.

Ng’enkinsikiriza okkola ekyo kwe kulabulwa kwa Yesu Kristo gyetuli nga bwe yagamba bwe twaalaba mu Mattayo24:37 – 39 era ne mu Lukka 17:26 – 29, ng’obukakafu nti kyaaliwo ekiseera eky’ekitalo ekyaleetera enkyuukakyuuka ez’amaanyi ennyo ku nsi; obusiriivu bwa’abantu ne bafa, awamu na buli kiramu kyonna, ate n’endabika n’embeera z’okunsi ne zikyuusibwa nnyo…….

Ku lwange nalabyeeyo bitaano byetuneetegereza amakya ga leero nti;-

- Buva eri Mukama, busobozesebwa Yye, ng’akwasaganyizza n’oyo anakkiriza n’amuwuliriza. Yye ayita, n’ayaniriza naye kiri gyetuli okuyitaba ne tumugoberera oggenda gyaali. Baibuli ejjude okuyitibwa okwo, nga mu lnny.1 “Jjangu mu lyato, ggwe n’abe’enju yo…..”. nga mu Isaaya 1:18 – 20, “Mujje nno, tuteese bw'ayogera Mukama: ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira; ne bwe bitwakaala ng'ebendera, binaaba ng'ebyoya by’endiga. Bwe munaagondanga nemuwulira; munaalyanga ebirungi eby’ensi: naye bwe munaagaananga ne mujeemanga, munaaliibwanga n'ekitala: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde. Awamu ne Isaaya 55:1 “Mukale, buli muntu alumiddwa ennyonta, mujje eri amazzi, n'oyo atalina bigula; mujje mugule mulye; weewaawo, mujje mugule omwenge n'amata awatali bigula awatali muwendo.”

  Matayo 11:28, “Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitooweredddwa nange nnaabawummuza.”

Ne tusembyaayo ne ku nkomekkerezo za Baibuli mu Kubikkulirwa 22:17 nti “Era Omwoyo n'omugole boogera nti Jjangu. Naye awulira ayogere nti Jjangu. Naye alina ennyonta ajje: ayagala atwale amazzi ag'obulamu buwa.”

N’olw’ekyo kitugwaanidde okweetegereza tuwulire okuyitibwa tugende gyaali, tulokolebwe, kubanga ng’elyaato liggaddwa, obudde bunadda ku bunnaabwo, ensi n’ezingwaako nga bwe twaalaba Omutume Peetero akakasa mu II Pet.3.

- Eky’okubiri kye twaalaba ne luli, kye ssiilweeko, kwe kuba nti Mukama affaayo nnyo okolokola abaagalwa baffe awamu naffe, “ab’enju / famile”. [Lnny.1, ne 13, 23b…] Twaalaba nti bwe gwaali mu Kuva, Isiraeri ng’eva mu Misiri, Koluneeriyo, N’omukuumi w’ekkomera ly’ebufirippi. Nti eno nsonga ya kwaagala kuyitirivu, Mukama agenderera abaagalwa okulokolebwa, naye era nga bwe tulabye wagguluko, buli omu ajja ku lulwe.

- Eky’okusatu kwe kuba nti obukakafu tubulina mu Mukama, bwe tuyingira mu lyaato(Yesu), nti ddala tulokolebbwa. ‘yaggala omulyango’(lnny.16). Ekyaffe kya kuyingira munda, obulamu bwaffe ne tubumukwaasa. “Manyi oyo gw’enzikirizza era ndi mu mativu nti asobola okutuukiriza ekyo ky’ankakasizza okutuusa ku lunaku olwo”(II Tim 1:12) . Kye tulaba era Paulo Omutume afuba okkakasa entakera nga bwe yakola mu Baruumi 8, n’eri Abassessalonika. Ne Yokaana mu bbaluwa ze akissaako nnyo essira. [ Nsaba mukebereyo mufune obukakafu obwo mube bamativu abo abali mu lyaato.

- Eky’okuna kwe kuba nti ebizibu n’emitawaana, embuyaga n’enkuba, byonna tebiyinza tuggya mu bulokozi bwaffe bwe tuba mu lyaato.[lnny 17,18…] Eky’okulabirako kyaaliwo mu biro bya Yesu n’abayigirizwa mu Matayo ne mu Makko, nti omuyaga baalowooza nti gubamalawo, ne batya nnyo, naye Yesu gwe baalinabo yabalaga nti baalina kuba na kukkiriza. Ate ne mu Bik. 27, abasajja bwe baagezaako okuva ku lyaato, Paulo n’abalabula nti tebaawone okujjako nga bali naye ku lyaato. Kye tulaba Paulo akakasa mu Baruumi 8:31 – 39, ne mu II Bakkolinso 4:7 -18,……….

- N’ekinaasembayo, eky’okutaano kwe kuba nti ebiseera ebiba ng’ebiwanvu mu kusiriikirirwa Mukama, tebilina tweelariikiriza wabula birina ttuzimba. Mu kubalamu, nalaba nga baamalamu omwaaka gumu n’emyeezi ebiri…., kyokka tetugambwa nti Mukama yayogerako ne Nuuwa n’omulundi gumu, okutuusa mu ssuula 8 bwe yali amugamba okuva mu lyaato. Nabo munda nga tebamanyi bibeetolodde, tebategeera mbeera, baalina kulinda bulinzi, era nga bwe tunaalaba mu ssuula eddako Nuuwa yawulira enkuba tetonnya teyafubutuka mu lyaato, wadde yatuma ebinyonyi emirundi egyaweerako omukettera embeera nga bwe yali. Baruumi 5:3 – 5 zigamba nti……….. Ne Yakobo 1:4 lugamba nti………

N’olw’ekyo nkiwa nti Mukama mu byonna byetugabanye alina bingi byatuyigirizza okusobola okwenyumiriza mu Yye olw’obulokozi bwe gyetuli, olwo ekitiibwa n’ettendo bimweyongerenga emirembe n’emirembe….